OKUJJUKIRA ABAJULIZI BAFFE MU BWAWUFU

OLUNAKU	ABAJULIZI	EKYETAAGO	AVUNAANYIZIBWA
29. 12-2019 Amaka Amatukuvu	**Matia Mulumba Kalemba** Muwolereza w'amaka n'abafuzi.	Amaka gaffe gabeere entabiro y'Eddiini, emirembe n'obwenkanya.	Obutume bw'Amaka Bassabafumbo ne Bannabafumbo mu Uganda
05.01.2020 Ameyoleka	**Noa Mawaggali** Muwolereza w'abakola egy'emikono n'abali mu bwetaavu	Beweeyo okujulira Kristu mu mirimu gyabwe, nga bekulaakulanya n'okujuna abanaku	Bonna ab'ebyemikono ne ba makanika
12.01.2019 Okubatizibwa kw'Omukama	**Yakobo Buzaabalyawo** Awolereza abasuubuzi n'ebibiina by'obwegassi	Bonna babeere bakozi ddala era abeesigwa mu bye bakola.	Ebibiina by'obwegassi
19.01.2020 Sunday II Mu Mwaka	**Mugagga Lubowa** Awolereza ebibiina, ebyenkulakulana, n'obuwangwa	Okusobola okweyamba ekitangaala kya Kristu kirambike Obuwangwa n'enkola y'emirimo	Ab'ebiina by'enkulaakuna: SACCO, PEWOSA, Mobile money
26.01.2020 Sunday III mu Mwaka	**Yowana Maria Muzeeyi** Awolereza Bannadiini, Abasawo, Abazaalisa n'Abajjanjabi wamu n'Amalwaliro	Mu buweereza bwabwe bwalwanirire okutaasa obulamu ko n'ekitiibwa ky'Omuntu	Ekibiina ekitaba Bannaddiini/ Bannaddiini bonna mu Uganda, Aby'ebyobulamu Amalwaliro n'Amatendekero mu buli Ssaza.
02.02.2020 Okutwalibwa kwa Yezu Mu Kiggwa	**Mbaaga Tuzinde** Awolereza abali mu Seminario ne mu Matendekero g'Obunnaddiini	Obulamu bwabwe babufaananye obwa Kristu Omukomerere alokola ensi	Abatwaala eby'okuyitibwa, Abagunjuzi b'Abanoviisi

			Abaseminario n'Abanovisi mu buli Ssaza.
09.02.2020 Sunday V Mu Mwaka	**Pontiano Ngondwe** Awolereza Abaserikale, Abakuumi b'eddembe ne Bannamagye	Baweereze olw'obulungi bwa bonna nga batakabanira obwenkanya n'okussa ekitiibwa mu ddembe ly'obuntu	Ab'ebyokwerinda mu Ggwanga: Enkambi z'amaggye, Ebitebe bya Police mu buli Ssaza.
16.02.2020 Sunday VI Mu Mwaka	**Kalooli Lwanga** Awolereza Abavubuka n'Ab'ebibiina by'Enkola Enkatoliki	Abavubuka beeyambise amaanyi g'obuvubuka okuzimba Eklezia n'eggwanga; Ebibiina by'obutume binnyikizibwe era bijjumbirwe nnyo ku buli mutendera	*Ba-chaplain* ow'Abavubuka n'ow'Ebibiina by'Obutume: Ssaba/Nabavubuka, Abamasomero ga siniya (Ekitongole ky´Ebyenngunjula) Abavubuka, n'Ab'ebibibiina by'Obutume
23.02.2010 Sunday VII mu Mwaka	**Kizito Omuto** Muwolereza w'Abaana abato	Abato bamanyisibwe era baagale nnyo Kristu mu bulamu bwabwe	Amasomero g'Abato (Pre & Post Primary) gye gali
01.03.2020 Sunday I Mu kisiibo	**Bruno Sserunkuuma;** Atuwolereza mu Kulwanyisa ebikemo n'abali mu nsonga n'abatamiivu	Twesabire nga tutandika ekisiibo, tusobole okuwangula ebikemo byonna nga tulabira ku Kristu Omukomerere	Bonna: Tutandika Missa/Twetondera Katonda nga tukowoola Amatendo g'Abajulizi, oba okwetondera Katonda mu ngeri ey'enjawulo.
08.03.2020 Sunday II Mu Kisiibo	**Atanansi Bazzekuketta** Awolereza abakozi b'omu	Bafube okulaba ng'abantu ba Katonda bonna bava mu bwavu, ko	Abakola mu Centenary Bank ne bank endala mu Ggwanga,

	Bank n'ebyensimbi	n'okuyamba abali mu bwetaavu	Ab'Eggwanika/Eby'ensimbi mu buli Ssaza
15.03.2020 Sunday III mu Kisiibo	**Adolf Ludigo ne Anatoli Kiriggwajjo** Abawolereza Abalimi, Abalunzi n'Abayizzi	Bafube okusitula obulamu bw'abantu mu mirimu gyabwe era bakuume n'obutonde bw'ensi	CARITAS Uganda Abalimi n'Abalunzi
22.03.2020 Sunday IV mu Kisiibo	**Gyaviira Musoke** Abali mu ŋŋendo, Ebyentambula, Ebyempuliziganya	Mu mirimu gyabwe balabiremu Kristu mu be baweereza. Abali mu byóbukafiiri nókusinza sitaani badde eri Katonda. Abakoseddwa olwébyasitaani Kristu omuwanguzi abajune	Abavuzi b'ebidduka, boda boda, abalamazi b'ebigere
29.03.2020 Sunday V mu Kisiibo	**Luka Banabakintu** Awolereza Abavubi, Abasaabala ku nnyanja, Abaweesi ne Bamakanika	Mu mirimo gyabwe bajulire Kristu era bavubiremu abantu. Bataase obutonde bw'ensi.	Abavubi, Abasaabala ku nnyanja, Abaweesi n'Abakomazi
19.04.2020 Sunday II mu Mazuukira	**Donozio Ssebuggwawo** Awolereza Abayimbi, Abakubi b'ebivuga.	Mu bitone byabwe bagulumize Mukama era bamumanyise abalala mu bwetowaze ne mu kwagala	Ekitongole ky'Ebyennyimba. Music Schools ne *Choir* zonna mu Masaza

26.04.2020 Sunday III mu Mazuukira	**Yozefu Mukasa Balikuddembe** Awolereza Bannabyabufuzi n'Abakozi ba Gavumenti	Okulonda kwa 2021 kube kwa Mirembe, mazima na bwenkanya, n'Abakozi ba Gavumenti bakolerere obulungi bwa bannayuganda bonna.	Abakiise mu Paalamenti, Abakulembeze ba District, aba LC n'Abakiise ,Ab'ebyobufuzi Abakozi ba Gavumenti bonna
03.05.2020 Sunday y'Omusumba Omulungi	**Ambrozio Kibuuka** Awolereza Ebibiina byonna eby'Abaana n'Abavubuka eby'Eddiini: YCS, YCW, Abazaveri	Bafube okuyigira ku Kristu eyajja okuweereza abalala nga bakulembeza okwagala Katonda ne bannaabwe	Scouts, YCS, YCW, Xaverians n'abalala.
10.05.2020 Sunday V mu Mazuukira	**Mukasa Kiriwawanvu** Ebirabo by'emmere, ebisulo n'ebinywero	Mu buweereza obwo, bongere okwolesa okwagala n'okwanirira Kristu mu bonna be baweereza	Abalina wooteri n'Abatunda eby'okulya
17.05.2020 6th Sunday VI mu Mazuukira	**Gonzaga Gonza** Awolereza Abasibe, Abali mu makomera n'Abagakolamu	Abasibe baleme kuggwamu ssuubi mu kugezebwa besige Kristu ali nabo. Abakola mu makomera bakwate bulungi abasibe nga booleka Kristu ali mu bo	Aba Makomera
24.05.2020 Olw'amalinnya mu Ggulu	**Akileo Kiwanuka** Bannamawulire, Abakubi b'ebitabo	Bafube nnyo okunonya, okwoleka n'okulwanirira amazima wonna.	Ekitongole ky'ebyempuliziganya Ekibiina ekigatta Bannamawulire mu buli Ssaza Abakola mu byapa.

	n'Abasiizi b'ebifananyi		
31.05.2020 Sunday ya Pentekooti	**Andereya Kaggwa, Jildo Irwa ne Daudi Okelo** Abawolereza Abayigisa n'Abasomesa b'Eddiini	Beeyambe ebitone bya Mwoyo Mutuukirivu, basobole okutuusa ekitangaala kya Kristu eri abantu bonna mu bigambo ne mu bikolwa byabwe.	Ekitongole ky'Ebyenjigiriza , Abasomesa b'Eddiini bonna mu buli Ssaza: